# Bakoze bulungibwansi e Kamwokya ne baloopa ababavuma

Bya JUDITH NALUGWA

ABATUUZE b'e Kamwokya mu munisipaali ya Kampala Central baloopye abakozi ba kkampuni emu eyoola kasasiro mu kitundu kino eri aba KCCA nga babalumiriza okuvuma abatuuze n'okubawemula.

Basabye ekitongole kya KCCA okwekenneenya abantu be bawa ttenda okuyoola kasasiro okuva mu bitundu ebisulwamu abantu.

Abatuuze ba Church zooni Kamwokya 11 Parish, mu Kampala Central okuloopa abayoola kasasiro nga babalumiriza okubawemula, babadde ku mukolo gw'okukuza olunaku lw'abakyala lwe bamalirizza n'okulongoosa wamu n'okuyoola kasasiro, nga lutegekeddwa ab'ekitongole ekirwanirira eddembe ly'abakyala n'abaana ekya ACFODE. Bano beegattiddwako ab'ekitongole kya KCCA ne balongoosa kasasiro yenna n'okugogola emyala ng'omu ku kaweefube w'okutumbula obuyonjo mu kitundu.

Ssentebe wa Church zooni, Joseph Kato yasabye ab'ekitongole kya KCCA okwekenneenya abantu be bawa ttenda y'okuyoola kasasiro okuva mu bantu. Kato yategeezezza nti, abantu bano bayitirizza okuvuma abantu n'okubawemula.

Kyokka atwala ebya kasasiro n'okulongoosa mu KCCA, Sadat Kiweewa aliko kkampuni emu gye yagambye nti, baali baamuloopera dda abakozi baayo olw'enneeyisa gye beeyisamu mu bitundu bya Kampala eby'enjawulo.

Abatuuze baasiimye ekitongole kya ACFODE okuyoola n'okulongoosa kasasiro mu kitundu kyabwe. Julius Kisembo, atuula ku lukiiko olufuzi olwa ACFODE yategeezezza nti, abakyala be basinga okukosebwa ssinga wabalukawo endwadde eziva ku bucaafu ekyabawalirizza okuvaayo okulongoosa.

EDWARD KASIRYE



Abakyala ba ACFODE n'abatuuze nga balongoosa.